# AMATEEKA GA HIJJA

# أحكام الحج - أوغندي

جمعية الدعوة والإرشاد وتوعية الجاليات في الزلفي

هاتف: 164234466 966 ـ فاكس: 164234477 966

# AMATEEKA GA HIJJA

# أحكام الحج

## OKULAMULA KWA HIJJA N'OBULUNGI BWAYO.

Hijja Ibaada eyetteeka ku buli musiraamu omukkiriza omusajja n'omukazi nga ebalaalikwako omulundi gumu mubuwangazi bwabwe era yempagi eyokutano mumpagi z'obusiraamu. Agamba Allah mu suratu Al-Imran aya 97 nti:

﴿ وَلِلَّهِ عَلَى النَّاسِ حِجُّ الْبَيْتِ مَنِ اسْتَطَاعَ إِلَيْهِ سَبِيلًا ﴾ [آل عمران:٩٧]

*"Allah yalaalika ku bantu okulambula ennyumba Kaaba eri oyo alina obusobozi obumutuusayo".*

Era n'agamba omubaka swalla Llaahu alaihi wasallama mu hadith eyawandiikibwa Imaam Bukhar ne muslim egamba nti:

وقال رسول الله ﷺ: (( بُني الإسلام على خمس: شهادة أن لا إله إلا الله، وأن محمدًا رسول الله، وإقام الصلاة، وإيتاء الزكاة، والحج، وصوم رمضان )) [متفق عليه: ٨، ١٦] .

*"Obusiraamu bwazimbibwa ku mpagi ttaano; okukkiriza (n'oyatuza n'olulimi lwo nti tewali asinzibwa mu mazima okujjako Allah, era ne Nnabbi Muhammad mubaka wa Allah), n'okuyimirizaawo esswala, n'okutoola Zakah, n'okukola Hijja, n'okusiiba omwezi gwa Ramadhan".*

Era nga hijja y'emu ku mirimo egisinga okusembeza omuddu eri Katondawe nga era bwagamba omubaka swalla Llaahu alaihi wasallama mu hadith eyawandiikibwa Imaam Bukhar ne muslimu nti:

قال ﷺ: ((من حج هذا البيت، فلم يرفث ولم يفسق، رجع كيوم ولدته أمه))

[متفق عليه: ١٨١٩، ١٣٥٠].

*"Omuntu akola Hijja n'alambula ennyumba ya Allah natakolelayo byabuseegu (yadde okubyogera) era n'atakolerayo byonoono, akomawo ewuwe nga asonyiyiddwa n'asangulwako amazambi gonna nasigala nga tayina kyonoono kyonna nga olunaku nnyina lwe yamuzaala"*.

## OBUKWAKKULIZO BWA HIJJA:

Hijja ekakata ku musiramu omukkiriza akuze munkula obusilamu gyebuyigiriza nga okuweza emyaka ekkumi n’etaano, okwelooterera, nebirala era nga obwongobwe bulamu bukola ate era nga alina obusobozi.
N'obusobozi: Kwe kugenda mu Hijja wamu n'entanda ekusobozesa okutuukayo n'okudda, wamu n’okulya n'okunywa n'okwambala. So nga entanda eyo eteekwa okubeera nga omaze kujjako gyolekera abantubo abo b'olinako obuvunanyizibwa okubalabirira. Era ne mubusobozi kw'ekubeera nga ekkubo ly’oyitamu lirimu emirembe, ate era nga naawe omubirigwo mulamu toli mulwadde, tolina mbeera enaakulemesa kutuukiriza mikolo gya Hijja

Wabula ate yye omukyala kwebyo byonna byetulabye yeyongerako okubaawo kw’omuntu amanyiddwa nga (Maharam) bbaawe, ob'omuntu nga musajja amuzira okumufumbirwa, nga mukulu ategeera, omu kw’abo alina okubeera naye mu Hijja.

Wabula singa omukyala ono abeera mu Idda (ebbanga ly'alina okumala nga tannaba kuddamu kufumbirwa olw'okufa kwa bbaawe oba okwawukananaye), ono yye takkirizibwa kufuluma kugenda mu Hijja kuba Allah bano yabagaana okufuluma mumayumba gaabwe.

N’olwekyo omuntu abeera n’ekizibu ku bizibu ebyo waggulu, oyo abeera abalibwa nti talina busobozi kukola Hijja era temukakatako.

## EMPISA ZA HIJJA

Empisa omuntu z'ateekwa okubeera nazo nga akola Hijja zezino:

1. Okusooka okusoma ennamula za Hijja n’enkola yaayo okuva ku mubaka swalla Llaahu alaihi wasallama, yye mwennyini okwesomera, oba okubuuza abamanyi, nga tannatambula lugendo olwo.
2. Okw'ekwata ku mikwano emirungi eginamuyambako okukola ebirungi. Era kiba kirungi nnyo okutambula n’omumanyi oba omuyizi ayina ky’amanyi kunsonga za Hijja.
3. Okubeera nga mu kukola Hijja anoonyamu kusanyusa Allah olw’okukola omulimo ogukusembeza gyali.
4. Okukuuma olulimi n'atayogera bigambo bitayina mugaso.
5. Okuyitiriza ennyo okujjukira Allah.
6. Okwewala okunyiiza banno bemulinabo mu Hijja.

7. Okwewala omukyala okwenyigiriza n’abasajja okujjako mumbeera eyannaakola ntya era n'okufuba okubeera nga ayambadde bulungi hijaabu ye.

8. Omukozi wa hijja ateekwa okuteeka mu mutimagwe embeera egulaga n'okugujjukiza nti ali mu Ibaada wabula tali mubulambuzi nga abalambuzi b'edduniya, kubanga abalamazi abamu Allah abaluŋŋamye obasanga embeera zabwe teziraga nti bali mu Ibaada wabula balaba nga abali mu bulambuzi essaawa zabwe bazimala mubitagasa gamba nga okwekubya ebifananyi nebirala.

## OKUYINGIRA MU MIKOLO.

Okuleeta enniya eno eyingira mu mikolo egya Hijja oba Umurah kyatteeka eri oyo abeera ayagadde okukola ogumu ku mikolo gino:
Era omuntu aleeta enniya eno ebbanga ly’amala nga ava bweru w'akibuga Makka, atekwa okugireetela mu bifo omubaka swalla Llaahu alaihi wasallama byeyatuteerawo nga nabyo bye bino:

1. *Thul-Hulaifah* – nga kino ekifo kiri mu kitundu ekiri okumpi nga waakava e Madina nga kati bangi bakiyita (Abiyaru-ali)

2. *Al-juhufa* - nga kino kyalo kitono, olwaleero bayitawo (Raabiga) era nga ye Miqaati (ekifo awaleeterwa enniyyah) y'abantu be Shaami n'ababa bayitidde oludda olwo.
3. *Qarnu Al-manaazil* nga kino kifo kiri kumpi ne Twaaifu era nga ye *miqaati* y'abantu baaayo wamu n'abe Najidi gattako n'ababa bayitidde oludda olwo.
4. *Yalamu-lamu* – eno yesudde Makka mayilo nga kyenda, nga ye miqaati y'abantu abava e- Yemeni n'abalala ababa bayitidde oludda olwo.
5. *Thaatu-irq* – eno ye Miqaati y'abantu abava mu Iraq n'ababa bayitidde oludda olwo.

Zino miqaati; omubaka swalla Llaahu alaihi wasallama yaziteerawo abantu abatuuze mu bifo bye twogedde waggulu, awamu n'abo ababeera bayitiddeyo okujja mumikolo gya Hijja oba Umurah.

Wabula ate bbo ab'eMakka abawangaalira ebweru w'ekifo eky'emizizo, enniya bagireetela mu maka wennyini.

**EBYA SUNNA MU KUYINGIRA MU MIKOLO**:
Mubintu ebya sunna ezikolebwa nga omuntu yeteekateeka okuyingira emikolo gya Hijja mwemuli bino:

**1.** Okusalako enjala n’okumwako ebyenkwawa n'okukendeza amasulubu n’okwelongoosa wansi mu bitundu ebyekyama neweemwayo bulungi, n'okunaaba olunaaba olunene (Gusulu) n'okwefuuyila obuwoowo kumubiri so ssi mungoyezo (ku musajja).

**2.** Okweyambula engoye zonna (entunge) nga mpimire ku mubiri n'oyambala Ihiraami, enkutu n’olwawaggulu (ku musajja). Wabula yye omukyala asigala mungoye entunge muzo zaaba ayagadde naye yewale okwolesa eby'okwewundabye, era n'okwewala okubikkula ekyenyikye n’emikono mumbeera nga asisinkanye n'abasajja mu mikolo abo abamukkirizibwa okufumbiriganwa nabo okujjako bba. Mu ngeri yeemu ateekwa okwewala okwambala glaves kumikono wamu ne *niqaabu* kuba tebimukkirizibwa nga ali mu mikolo gya Hijja oba Umurah.

**3.** Okugenda ku muzikiti okusaalira mujjama bwekiba ekiseera nga kya swala, n'okusaala raaka ebbiri (sunna za udhu) oluvannyuma lwa ihiraam.

## EBIKA BYA HIJJA EBIKOLEBWA

Ebika bya Hijja biri bisatu nga nabyo bye bino wamanga:

### Attamatu-u

Ekika kino kw'ekuleeta enniya eya Umura yokka okusooka nga ogireeteea mumyezi gya Hijja, bwotyo bw'otuuka ku miqaat n'ogamba nti *"Labayika umura mutamatti-a biha ilal hajji*" (nnyanukudde ayi Allah, okukola umrah ate oluvannyuma nja kukola ne Hijja)

Nga ne Hijja eno eya Attamatu-u ky'ekika kya Hijja ekisinga obulungi n'empeera, naddala nga ozze e Makka nga Hijja ebulayo ekiseera kitono etuuke. Ono bw'amala okukola Umrah afuluma mu mizizo, era Ihiraamize asooka n'azijjamu. Ebiseera bya Hijja bwe bituuka, addamu n'ayambala Ihiraamize, n'anuyirira Hijja nga asinziira awo wonna w'aba ali nga agamba nti: *Labbayika hajjan (nnyanukudde ayi Allah, okukola Hijjah)*,

Mu kika kya hijja kino obeera otekwa okusala ekisolo nga buli omu akakatibwako okusala ekisolokye omu yekka, bwekiba ndiga oba mbuzi, naye eŋŋamiya, oba ente bagyegattirako abantu omusanvu.

### Al-Qiraan

N’ekika ekyokubiri ye Al-Qiraan nga nakyo, ye muntu okuyingira mumikolo ebiri ogwa Umrah n’ogwa Hijja omulundi gumu, era ono bw’atuuka mu miqaati agamba nti: *Labbayika Umurah wa hijja* nga ono asigala mungoyeze eza Ihiraami nga tazijjeemu okutuusiza ddala ku lunaku olw'okusala ebisolo nga kino kitera okubeera eri oyo eyazze nga wabula enaku ntono nyo hijja etuuke nga tekimumala kusooka kuva mumikolo gya umura ate kugiddamu bupya egya hijja nga jituuse era nga yazze n'ensoloye, bwatyo era akakatibwako okusala ekisolo.

## Al-Ifraad

Ekika kino eky'okusatu; ye muntu okubeera n’enniya ya hijja yokka era bw’atyo bwatuuka mu miqaat n’agamba nti: *Labbayika hijja.* Ono nno ye takakatibwako kusala kisolo.

Omukozi wa hijja singa abeera nga agenda kuyita waggulu mu nnyonyi alina okuteebereza nga ali mubbanga n'afuna obuteleevu bwa miqaati, bwagituukamu oba nga anaatera, n’akola byonna byetwalabye byakolera mu miqaati, gamba nga okweyonja, okusala enjala, okumwa ebyenkwawa, nokwemwa mubitundu byekyama, n’okwefuuyira obuwoowo kuzitali ngoyeze eza ihiraami era nayambala ihiraamize. Singa alaba nga ekyo

kinamukaluubirira waddembe bino okubikola nga tannalinnya nnyonyi bw'atuuka mu kitundu ekya miiqaatu n'aleeta enniya ya kuyingira mu mikolo nga biri yabimalirizza dda.

**Engeri gyebayingiramu mu mikolo.**

Nga bwetumulabye omuntu ono nti ayogera okusinziira ku kika kya hijja gy'agenda okukola, owa;

a) Tamatu-u; agamba nti Labbayika umura mutamatti-a biha ilal hajji.

b) Qiiran; n'agamba nti Labbayika umuran wa hijja.

c) Ifraad ye n'agamba nti Labbayika hijja.

Bwebatyo abantu bano bonna, kiri sunna gyebali okugenda mu kkubo nga baleeta era nga baddiŋŋana *"Talbiya*" era kyekigambo *"Labbayika Allahuma Labbayika, Labbayika laashariika laka labbayika, Innal-hamuda, wani-emata, laka wal-muluku laa shariika laka".*

Amakulu nti nyanukudde Ayi Katonda mukama wange nyanukudde nyanukudde tolina kikwegattako mubyonna, nyanukudde mazima amatendo gonna amalungi era agaawaggulu, n'ebyengera bibyo n'obwakabaka bubwo toyina kikwegattako.

Ebigambo bino abiddiŋŋana nga bwetwalabye okuva nga ayingidde mu mikolo okutuusiza ddala nga atandise okwetooloola Kaaba.

## EBITAKKIRIZIBWA KUKOLEBWA ALI MU MIKOLO

1. Takkirizibwa kumwako nvirrize ku mutwe oba mu kifo ekirala kyonna kumubirigwe, wabula kwo okwetakula tekulina kabi singa aba afunye obwetaavu bwakwo.
2. Okusalako enjala naye singa olwala kunjalaze luba lumenyese oba lumuluma tewali kabi singa alujjako.
3. Okukozesa obuwoowo oba sabuuni owa kawoowo
4. Okwegatta mumukolo gwa bafumbo oba ebyo ebigusembeza nga (okusiba nikah) okuwoowa oba okwenywegera oba okwetunununuulira olwetunuulira oluleeta obwagazi, wamu n’okwe romasinga
5. Okwambala glaves.
6. Okutta ensolo eyiggibwa

Nga bino byonna biziyizibwa eri abasajja n'abakyala.

Ate kuludda lw'abasajja bokka, nabino tebibakkirizibwa.

1. Okwambala n'oleka kumubirigwo olugoye lwonna olutunge wadde ak'omunda, wabulo zo galubindi nebirala ebifaanana nga ebyo tebiyina kabi kubyambala nga omuntu abyetaaze.

2. Okubikka omutwe n'ekintu kyonna ekigubuutikira kugwo kwennyini nga enkofiira oba ekitambaala. Wabula bwekitabeera mubigubikka nebigubuutikira gamba nga emotoka tents minvuuli n'ebirala ebiringa ebyo, tebiyina kabi.

3. Okwambala sitookisi abasajja, naye nga kikkirizibwa okwambala engatto za khuffi (ezibikka ebigere) singa omuntu aba tafunye ngatto za open.

Omuntu agwa mukimu ku bintu bino n'abikola alamulwa mu ngeri ssatu.

1) Omuntu akikola nga talina kisonyiyisa, oya abeera alina omusango olw'obujeemu, era abeera alina okuwa omutango.

2) Omuntu akikola olw'obwetaavu bwakyo bw'afunye. Ono taba namusango, naye alina okuwa omutango.

3) Ate akikola nga tamanyi oba yeerabidde oba akakiddwa. Oyo talina musango era talina mutango gw'awa.

## OKW'ETOOLOOLA KAABA.

Omuntu nga atuuse mu muzikiti ogulimu Kaaba ogumanyiddwa nga *masijidil haram makki*, kiba sunna okuyingira era nga emizikiti emirala nga asoosaayo okugulukwe okwa ddyo, era n'asoma bwati *(Bisimillah wasswalaatu wasalaam ala rasuulillah allahuma igifiril zhunuubi wafutaha-lii abawaaba rahmatika).*

Bwatyo bwamala ayolekela ku Kaaba n'atandika okugyetooloola emirundi musanvu, nga n'okwetoloora kuno, ogendereramu kusinza Allah. Otandikira ku nnywanto, era kw'omalira. Kitegeeza nti ova kunywanto, newetooloora nga Kaaba eri kuluddalwo olwa kkono. Wabula eyetooloola yenna, atekwa okubeera nga alina wudhu.

## ENGELI Y'OKWETOOLOOLA.

Bw'otuuka ku kaaba ogenda ku nywanto n'ogikwatako (bw'oba osobodde) n'omukono gwo ogwa ddyo n'osoma nti *Bisimillah wa-allah akibar* bw'otyo n'onywegera engalozo ezo z'okwasizza kunywanto. Wabula singa obeera osobodde okuginywegela n'olulimi kyekisinga, naye singa bino

byombi tebisobose olazaayo bulaza nengalozo era nosoma nga bwetulabye nti *Bisimillah wa-allah akibar* naye wano tonywegera ngalo bwotyo nga bwetulabye kw’oyo agikutteko. Kaaba gireke ku kkonoowo weetooloole nga bwosaba Allah byonna by’oyagala mu dduwa ez'enjawulo oba okusoma Quran. Era kiri eri (Hajj) ali mu mikolo okusaba mululimi lwe oba lwonna lw’aba ayagadde edduwa yonna gy’aba ayagadde kuba wano tewaliiwo dduwa yeyawulidde.

Bwotyo bw'otuuka ku mpagi eyitibwa *Rukuni-li yamaan* nga nalyo ly’ekkoona ly’ovaako oddemu otuuke ku nywanto, empagi eno ogikwatako nengalozo nga bwewakoze ku nnywanto n'omukonogwo ogwa dyo (singa oba okisobodde) era n’osoma nti *Bismillah wallah akibar* naye wano tonywegera ngalozo, wabula singa oba tosobodde kugikwatako nangalozo, genda bugenzi tolazaayo era toleeta tak-biira. kati wakati wempagi eyo Rukani-li yamaani n’enywanto bw'otuuka awo somerawo bino: (Rabbanaa aatina fi dduniya) hasanatan wa fil-aakhirati hasanatan waqinaa azaaba annar)

3. Bwatyo bwaddamu n'atuuka ku nywanto era agikwateko nga bweyakoze mu kusooka. Bw’aba tasobodde alaze bulaza n’engaloze era agambe nti Allah akibar. Wano nno ajjakuba amazeeko omulundi ogusooka kumirundi omusanvu.

4. Bwatyo agenda mumaaso n'okwetooloola okutuusa lw’ajjuza emirundi omusanvu nga bw’aleeta takibiira buli lwayita kunywanto n'oluvannyuma lw'omulundi ogwomusanvu.

Era kiri mu sunna mu mirundi esatu egisooka okutambula nga oddukaddukamu n’otambula mu mirundi ena egisembayo. Era kiri sunna okubeera nga obikkula esuukaayo eyawaggulu nogijja ku kibegabega kyo ekyaddyo n’ogiyisa wansi wakyo, kyo nekisigala bweru mukwetooloolakwo kwonna.

Naye nga bino byombi okutambula ngodduka ddukamu emirundi esatu egisooka n’okubikkula ekibegabega bikolebwa hajj oba akola umura omulundi ogusooka mukujjakwe okwo kwazze.

N'oluvanyuma lwokwetooloola kiri sunna okusaalayo raaka bbiri nga ozisaalira awo emabega wa *Makaam Ibrahimu*. Wabula bw’aba nga tannasaala, esuukaye eyawaggulu asooooka nagizzayo kubibegabega byombi nabibikka bulungi nalyoka asaala. Era mu sswala eno eya raaka ebbiri, kirungi mu raaka esooka oluvannyuma lw'okusoma surat Alfatiha (Alhamudu) azzeeko surati Kaafiruuna, ate mu raaka ey'okubiri era oluvannyuma lwa Alfatiha asome surati *Ikhilaswi* (Kul huwa-llahu ahada). Naye singa aba tasobodde kusaalira wano emabega wa makamu Ibrahim

olw'obungi bw'abantu, agenda n'asaalira ewalala wonna w'aba afunye mumuzikiti ogwa Haram.

**OKUTAMBULA SWAFA NE MARUWA (ASSA-AYI)**

Oluvannyuma agenda eri okutambula Swafa ne Maruwa (naye nga asoose nagendako kumazzi ga zam-zam nanywako neyeeyirako, bwatyo bw'amala ayolekera okutambula kwa Swafa bwaba agenda okulinya ku swaffa asoma aya eno eya 158 mu surat Baqara:

﴿ إِنَّ الصَّفَا وَالْمَرْوَةَ مِنْ شَعَائِرِ اللهِ فَمَنْ حَجَّ الْبَيْتَ أَوِ اعْتَمَرَ فَلَا جُنَاحَ عَلَيْهِ أَنْ يَطَّوَّفَ بِهِمَا وَمَنْ تَطَوَّعَ خَيْرًا فَإِنَّ اللهَ شَاكِرٌ عَلِيمٌ ﴾ [البقرة:١٥٨].

Agamba Allah nti: *"Mazima Swafa ne Maruwa biri mu bubonero bwa Allah, omuntu alambula enyumba Kaaba nga azze mu hijja oba umurah tewali mutawaana gyali okubyetooloola. N'omuntu ayongera naakola obulungi mazima Katonda mwebaza nnyo ate era mumanyi kubuli nsonga".*

Bw'atyo alinnya ku Swafa okutuusa lwayolekeza amaasoge eri Kaaba, nagyolekera nawanika emikonogye natendereza Allah n'asaba edduwa yonna gy'ayagala.

Era bwatyo asoma ebigambo bino nga akyali waggulu ku Swafa nti.

*laa ilaha illa Llahu wallahu akibar, laa ilaha illa Llahu, wahdahu la shariika lah, lahul-muluku wa lahul-hamudu yuhiyi wa yumiitu wa huwa alla kkuli shayien qadiir.*

*laa ilaha illa Llahu wahdahu, an-jaza wa-adahu, wana swara abda-hu, wa hazamal ahizaaba wahda-hu.*

Amakulu *Tewali asinzibwa mumazima okujjako Allah era Allah munene, tewali asinzibwa mumazima okujjako Allah ali omu yekka tayina amwegattako, Yenanyini bwa kabaka era yennanyini matendo gonna agawaggulu, Y'awa obulamu n'okutta yatta era yye muyinza kubuli kintu.*

*Tewali asinzibwa mumazima okujjako Allah mubwomuubwe atuukirizza endagaanoye, n'ataasa omudduwe, nafufuggaza era n'awangula ebibinja yekka.*

Bwatyo bwamala n'asaba olusaba oluwanvu, era naddamu nasoma ebigambo ebyo era n'asaba nga kino akikola emilundi esatu

Bw'amala akkirira nga atambula ayolekedde e maruwa, wabula bw'atuuka kumpagi ewayaka etaala eza kiragala okuva kw'esooka okutuuka kuy'okubiri, wakati awo kiri sunna okutambulawo nga addukaddukamu nga bweyakoze mukwetooloola naye nga kino akikola singa abeera tajja kukosa

nakunakuwaza bbane kuba abantu bwebaba bangi kiba sikyangu ate era kino kikolebwa basajja bokka abakyala tebakikola.

Bwatyo bwatuuka e maruwa alinyerinye akatunnumba ka Maruwa era nga bweyakoze ayolekere Kaaba, awanike emikonogye asome ebyo byeyasomye ku Swafa. Awo, omulundigwe ogumu guba guwedde kumilundi omusanvu gyayina okutambula.

Bwatyo bwamala okusaba edduwa empanvu nga bwetwalabye ku Swafa, akkirira naddayo ku Swafa. Bwatyo bw’akola mu mirundi gyonna omusanvu nga bwetulabye ogwo ogusoose (okugenda guba mulundi, n'okudda guba mulundi mulala). Era kiba kirungi okuyitiriza ennyo okusaba edduwa wano mu kutambula era nga bwetwalabye mu kwetooloola Kaaba.

Singa omuntu abeera yakoze hijja ya Tamattu-u, oyo yye bw'amala okwetooloola kuno asalako enviirize bwatyo namala Umurah eyo era neyeyambula Hiraami ze, n’ayambala engoyeze ezabulijjo. Bwerutuuka olunaku olw'omunaana addamu nayingira mu mikolo gya hijja nga eswala ya dhuhuri tenasaalibwa nga asinzira awo wonna waali mu Makka era n’akola nga bweyakoze nga ayingira mu mikolo gya umurah nga bwetwamulabye nga atuuse

mu miqaati. Bw’atyo ayogera nga bwagamba nti: Labbayika hijja labbayika la shariika laka labbayika, inal-hamda wa niemata laka wal-muluku la shariika laka.

Bw’atyo abeera wa kusaala esswala ya dhuhur ne aswir ne margrib ne isha-i ne subuhi nga zino zonna wakuzisaalira minaa oba munaa, era nga ez'eraaka ennya azikendeza n’asaala bbiri.

**OLUNAKU OLW'OMUNAANA MU DHUL - HIJJA**

Nga bwetulabye, olunaku luno olw'omunaana mu dhul-hijja omukozi wa hijja agenda e minna n'asaalirayo esswala ezo zetulabye Dhuhur ne Aswiri ne Magrib ne Isha-i ne Subuhi nga akendeza eze raaka ennya n'asaala bbiri

**OLUNAKU OLW'OMWENDA OLUNAKU LWA ARAFA**

Mulunaku luno olw'omwenda bino bye birina okukolebwa:

1) Oluvannyuma nga enjuba evuddeyo omukozi wa hijja agenda mu lusenyi Arafah n’abeerayo okutuusa enjuba lwegwa, era asaalirayo esswala ya Dhuhuri n’eya Aswir nga azigatta era nga akendezezza amakulu rakah bbiri bbiri kino akikola nga enjuba emaze okukyuka bw’atyo bwamala esswala, afune wadda, ayitirize nnyo

azikaar n'okusaba edduwa wamu n'okuleeta Talbiyah ezo zeyatandise nazo nga ayingira mu mikolo nga agamba nti labbayika allahuma labbayika…, mpaka jegweera.

Era yeesabira n'okusabira basiraamu banne era nga awanise emikono mukusaba okwo. Era omukozi wa hijja alina okukimanya nti okuyimirira mulusenyi luno Arafa mpagi mu mpagi za hijja era omuntu yenna abeera taluyimiriddeemu hijja ye tetuuka eba nfu, nga n'ekiseera ky'okubeera mulusenyi luno kitandika amangu nga enjuba evuddeyo olunaku olw'omwenda okutuusa Fajiri lw'evaayo kulunaku olw'ekumi. Omuntu ayimirira mu Arafa mu ssaawa ezo, kibeere kiro oba musana hijja ye ebeera ejudde, so nga era omukozi wa hijja asaanidde yekakase nti w'ayimiridde ali munda mulusenyi Arafa tali bwelu walwo.

2) Bwamala okukakasa nti enjuba egudde kulunaku lwa Arafa bwatyo ayolekera e Muzidarifah, wabula agenda n'obukakkamu nemirembe nga asitudde eddoboozirye nga aleeta talibiya. E muzidalifa bw'amala okutuukayo, bw'atyo asaala esswala ya magribi ne Ishai nga azigatta ate era nga akendezezza (ku isha kwokka) bw'atyo bwamala okusaala akole ebyo by'aba ayagadde okukola nga okutegeka eky'okulya, wabula

kirungi nnyo yeebake nga obudde bukyali, olwokusobola okuzuukuka obulungi asaale eswala ya Subuhi.

## OLUNAKU OLWE KKUMI (OLWA IDI)

Olunaku luno olwekkumi olwa Idi omukozi wa hijja akola bino:

1. Ekiseera ky'eswala ya Subuhi bwekituuka agisaale, bw'amala asigalewo nga atudde mu kifokye mw'asaalidde era ayitirize nnyo okuleeta azikaar n'okusaba edduwa okutuusa obudde lwebumyuuka
2. Bwamala alonde obuyinja musanvu nga butono ddala agende ayolekere e Minna nga bw'aleeta Talibiya nga enjuba tennaba kuvaayo.
3. Agende mumaaso ne Talibiya okutuusa lw'atuuka ku kiwaji ekinene atandike okukikuba n'amayinja ago omusanvu nga akubayo limu limu, era nga ku buli jinja ly'akasuka ayogererako ebigambo nti: Allah Akibar.
4. Bw'amala okukuba ekiwaji ekyo ekisooka, olwo agenda n'asala ekisolo bw'abeera nga yakoze hijja eya Tamattu-u oba Qiraan. Era kiba kirungi gyali okulyako kweyo ennyamaye

gy’asaze bwatyo era nagabako n’asaddaakako.

5. Oluvannyuma lw'okusala ekisolo, amwaako oba asalako enviiri oba nakendezaako, naye nga okuzimwako kyekisinza empeera. Naye bbo abakyala bakendeeza bukendeeza naye nga babunyizza omutwe oba okuzikwata bweziba enviiri nga nyingi n’asala ezekigero ezisembayo.

Bwatyo wano omukozi wa hijja abeera akkirizibwa okukola ebyo ebyabadde bimuziyiziddwa olw’emikolo gamba nga okwambala engoyeze ezabulijjo obuwoowo okukendeza enjala okwemwako ekintu kyonna mu bitundu by'omubirigwe, wabula ekintu kimu kyo kiba tekinnamukkirizibwa kukola okutuusa nga amaze okwetooloola Kaaba nga nakyo kw'ekwegatta mumukolo gwabafumbo n'ebigukulembela nga bwetwabirabye waggulu.

6. Era bwatyo bwamala agenda ku Kaaba neyetooloola olwetooloola lwa hijja olumanyidwa nga (Twawaful ifadha). Bw’atuuka neyetooloola nayo emirundi musanvu, oyono yabeera nga yakoze hijja esingamu empeera eya Tamattu-u.

Wabula abeera yakoze hijja ekika kya Qiraan oba Ifraadi bano aba yetooloola nga ayyingira Twawaful-

quduumu kuno okwetooloola kwe kwekwali okwa hijja tekimwetaagisa kukuddamu okujjako oyo ataasobola kwetooloola nga ayingira oyo abeera ateekwa okwetooloola. Bwatyo okwetooloola kuno bwekugwa eri bonna olwo biba biwedde ebiziyizibwa omuntu ayingidde mumikolo olwo nebiba byonna nga bimukirizibwa.

7. Bw'atyo omukozi wa hijja ono ateekwa okusula e minna enaku zino zonna olwekumi nolumu, n'olwekumi nebbiri, n'ekiro kyekumi nesatu eri oyo ayagala okukyerewa, nekiyitibwa okusulayo kwekubeerayo ekiseera ekyekilo ekisinga obunene.

Wabula ebinyonyodwa nentegeka yabyo okuba ekiwaji ekinene, oluvannyuma n'osala ekisolo bw'omala n'osalako enviiiri, entegeka eyo ye sunna, wabula singa omuntu abeera akulembezza ekimu ku kinaakyo olwensonga yonna munsonga tewaba mutawaana.

## OLUNAKU OLWEKUMI N'OLUMU.

Mu lunaku luno olwekumi n'olumu kikakata kumukozi wa hijja okkuba ebiwaji. Nga atandika okukuba oluvannyuma lwenjuba okukyuuka (dhuhuri w'etuukira) era nga takkirizibwa lubereeberye lwakukyuka kwayo enjuba bwatyo akuba nga

n'okukuba kuno kuggwako na kusa kea mmambya ey'olunak oluddako, bw'esala okukuba kuba kuweddeko.

Bwatyo bw'aba akuba ebiwaji bino okutandika n'olunaku luno olwe kkumi n'olumu atandika n'ekiwaji ekitono n'addako ekyawakati naddako ekinene, mukiseera kyonna oluvannyuma lw'okukyuka kwenjuba nga bwetulabye.

**Nenkuba jakubamu eri bweti:**

1. Agenda n'amayinja abirimulimu (21) amatonotono ddala n'agenda kukiwaji ekitono n'akikuba n'amayinja musanvu nga buli lyakasuka asoma nti Allah akibar, wabula ayina okwegendereza nga akasuka, okkakasa nti ejinja liguddemu mulubengo lw'ekiwaji era nga akasuka limu kulimu okutuusa lwagamalayo omusanvu. Era kiri sunna okuddako ku dyowe nga amaze n'asooka n'asaba kudduwa olusaba oluwanvu.
2. Oluvannyuma agenda ku kiwaji ekya wakati nakyo nakikuba amayinja musanvu nga akasuka limu kulimu era nga bw'agamba nti Allah akibar. Wano nawo kiri sunna okuddako katono kukkonoowe nayimirira n'asooka nasaba edduwa nga mpanvu.

3. Bw'amala, agenda kukiwaji ekinene nakyo nakikuba amayinja musanvu nga asoma kubuli jinja nti Allah akibar. Bwamala nagenda bugenzi wano wwo tayimirira kusaba.

## OLUNAKU OLWEKUMI NEBBIRI:

1. Kulunaku luno era akola nga bweyakoze kulunaku olwekumi n'olumu. O

   mukozi wa hijja ayagala okubeera mwabo abanakeerewa okuvaayo e Minna bajjuze enaku ekumi nesatu era nga kyekisingamu empeera, bwatyo era akola nga bwetulabye ezo enaku ebbiri ekumi n'olumu nekumi nebbiri.

2. Naye bwamala okukuba ebiwaji ku lunaku olwekkumibbiri, oba kkuminessatu eri oyo akeereye okuvaayo, agenda ku Kaaba neyeetooloola olwetooloola olumanyindwa nga Twawaful-wida-i.

Olwetooloola olusiibula, neyetooloola emirundi musanvu. Bw'amala, kiri sunna okusaalayo raaka bbiri mu makamu Ibrahim oba emabega wa makamu Ibrahim bwaba akisobodde. Bw'aba takisobodde waddembe okugenda mukifo ekirala kyonna mu masijidi Haram n'asaalirawo.

Wabula ate bbo banyinaffe singa omu kubo abeera agenze mu Haidhwi enakuze ez'abuli mwezi oba nifasi okuvamu omusaayi gw'okumala okuzaala ono yye abeera ajjiddwako olwetooloola olwo kuba takkirizibwa kwetolooloola Kaaba nga ali mwemu kumbeera ezo.

So nga era kikkirizibwa eri omukozi wa hijja okukeereya olwetooloola lwetwalabye kulunaku olwekkumi olumanyidwa nga Twawaful- ifadha n’alwetooloola olunaku luno nga asiibula. Naye bw’abeera yalukeereya natalwetooloola okutuusa ku lunaku luno olwokusiibula, aleeta eniya yakwetooloola Twawaful-Ifadwa so ssi Twawaful widaai.

3. Bw’atyo bwamala okwetooloola olwetooloola luno olusembayo awo tasaanidde kubeera nga ate abaako nebimutawanya ebilala ebimusibila mu kibuga Makka kuba amaze okusiibula wabula abala obudde n’atambula nafuluma era kiba kirungi okwekwata enyo ku azikaar nedduwa n'okuwuririza eby'omugaso.

So nga tewaba kabi singa amalamu ko akaseera akatono mu makka oluvannyuma lw’okusiibula gamba nga okulinda banne beyazze nabo bagende, oba okutikka emigugugye oba okubaako n’obuntu

bwagula obw'okugenda nabwo mukubo n'ebirala nga ebyo.

## EMPAGI ZA HIJJA:

Empagi za hijja ziri nnya era omuntu aleka emu kuzo hijja ye ebeera tetuuse.

1. Okumalirira okuyingira mu mikolo.
2. Okuyimirira mu lusenyi Arafah.
3. Okwetooloola twawaful-ifadwa
4. Okutambula wakati wa Swafa ne Maruwa.

## EBYETTEEKA MU HIJJA

Ebyetteeka mu hijja biri musanvu era singa oleka ekimu kubyo obeera olina okuwa omutango nga nakwo kwekuyiwa omusaayi gamba nga okusala embuzi oba endiga enyama n’ogigabira abanaku b'omuMakka; nabyo byebino:

1. Okumalirira okuyingira emikolo ng'oli ku miqaat.
2. Okuyimirira mu Arafa mpaka enjuba lw’egwa kwoyo ayimiridde emisana.
3. Okusula e Muzidalifah okutuuka ku Fajiri mpaka ekire ekimyufu bwekimyuka ennyo okujjako abantu abanafu n’abakyala bbo bakkirizibwa okuvaayo amatumbi budde.

4. Okusula e Minna ennaku ezo ez'okwanika ennyama ezimanyidwa nga ayyamu tashiriiqi (11 , 12 , 13).
5. Okukuba ebiwaji munnaku ezo ez'okwanika ennyama.
6. Okusalako enviiri oba okukendezaako
7. Okwetoololа olwetooloola olusiibula.

## OKULAMBULA OMUZIKITI GWA NABBI SWALLA LLAAHU ALAIHI WASALLAMA

Kiba kirungi eri omukozi wa hijja oba Umurah okulambula omuzikiti gwa Nabbi Swalla Llaahu alaihi wasallama olw'okusaairamu esswala, nga bweyagamba omubaka swalla Llaahu alaihi wasallama nti: Esswala gy'osaaliddemu esinga empeera za swala lukumi ku z'osaalidde mu mizikiti emirala, nga ojjeeko omuzikiti gwa Haram e Makka.

Era nga okulambula omuzikiti guno n'okugusaaliramu w'akiri ebbanga lyonna tekulina kiseera kyeyawulidde era tekuli mumikolo gya hijja.

Naye nga bw’obeera ozze e Madiina ku muzikiti guno n’enniya ey'okugusaaliramu n'okugulambula, olwo kiba kikugwanidde okulambula ne ku ntaana y'omubaka swalla Llaahu alaihi wasallama wamu n’eza mikwanogye Abubakar ne Umaru, n'okubatoolera ku salaamu naye nga okulambula entaana kuno kuli eri basajja bokka.

Era tekkirizibwa muntu yenna abeera azirambudde okugezako okukwata kukisenge mweziri nga bweyesiiga mbu anoonya mikisa nga bwebakikola abatamanyi, oba okukyetooloola oba okuzolekela nga basaba edduwa era nga bwebakola abatamanyi.